

**335/2**

**LUGANDA**

**Paper 2**

**July/Aug 2022**

**2 1/2 hours**



## **KAMSSA JOINT MOCK EXAMINATIONS**

**Uganda Certificate of Education**

**LUGANDA**

(Okuwandiika emboozi, Okukyusa, Okufunza, Ggulama N'ebisoko)

**Olupapula Olwokubiri  
Essaawa Bbiri ne kitundu**

**Ebigobererwa:**

**Olupapula luno lulimu ebitundu bisatu A,B ne C**

**Ddamu ebibuuzo bitaano (5) awamu**

**Ddamu ebibuuzo byonna mu kitundu A ne B Mu**

**kitundu C ,ddamu ebibuuzo bisatu (3) byokka**

## EKITUNDU A

1. Soma ekitundu kino n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo.

Nga mmaze okukuba emisomo gyange oluku mu mutwe mu 2010, nasalawo nve awaka neetongole oba neetakulire nga abavubuka b'ensangi ezo bwe baateranga okukiyita.Nazuula eyo akayumba ka kisenge kimu mu bisegguusi by'ekibuga anti gye nali nnyinza okufuna akayumba aka layisi,aketteka kyokka nga n'okutonnya katonnya ssaako baliraanwa abatamiivu n'abayaga era abaawogganyanga ebidongo wamu n'okufuuweetanga enjaaye nga bwe eggwera mu kazigo kange, kyokka nga nako obusobozi bwali bwa munyoto ddala anti nga sirina we nnyiza kuggya jjamba,gwe ate nze eyakubanga obukubi emisota ku kyal. Nayingira akayumba kano nga ninamu kikopo,ssowaani,omulawo, akaseppiki n'akajiiko akatabula ssukaali era nga bino byampeebwa ssengange Merida ankombera ddala ssebo enziro ku mabega.mu kusooka neeyaliranga kakutiya era ne neebikka ekikubiro ekyampeebwa mmange.Obulamu tebwannyanguyira mu kusooka kuba n'oluusi nabulwanga ne kye ndya.

Ggwe asoma bino oyinza okwebuuza lwaki neesuuulamu jjulume mmale nfunе amapaati ageegoloza omukadde nga anaawanvuwa nve mu maka ga kitange nga sineeyinza kwebeezaawo.nsumulula osuna ebiyiika by'oyagala?anti wulira bino.Ekyampaliriza okwepampalika nve mu maka ga kitange neetongole kwe kuba nti kyambeerera kizibu era nga tekimpa mirembe nze omusajja omukulu ameze n'ekirevu okulwanira emmere wamu n'ebikunta ne buto bwange!Lumu ekirevu kyanduumuukako nga n'ezigula ejjirita okukimwa sizirina ekyawaliriza kitange okugingulira ekintu ekyansonyiwaza okukamala.Emirundi mingi nze okulya abalala baamalanga kulya.Oba baakinkozanga kasonso nange saamanya.

Olwokuba nalaba nga nfuuse omugugu omunene eri bakadde bange kyokka nga baali beerekerezza era ne balafuubana okulaba nga bampeerera okuviira ddala ku mitendera egya wansi okutuukira ddala okukoonola ddiguli ko nze nti awannyu waawo nga njolekera kibuga kulaba nga mbaako bwe ntetenkanya ndabe nga mbeezaawo obulamu.

Nga naakakulungula omwezi mulamba nga ndi ku kibuga.mba ndi mu kibuga omwo neemagazza nga bwembaalabaala mu kibuga nga ninga aliko gye ndaga kumbe nga mmalirako budde mbutwalirize buzibe ngende ngwe mu kazigo kange gye nagwira ku Munywanyi wange Mawejje bwetwasomanga edda eyakolanga mu kitongole ekibunyisa amasannyalaze mu ggwanga.Yambuuza gye nabulira ko nze nti mbaamu mu kibuga omwo.yantgeze nga bwe yali mu nteekateeka z'okukuba embaga muganzi we bwe twasomanga.Muli mu mutima ne ngamba nti ekuba omunaku tekya,nze atalina yadde ekuba ennyonyi ebye embaga angamba byaki okwo si kunvuma magufa!Naye mba nkyabirowoozaamu n'antegeza nti bulijjo annoonya kuba yandwoozaako dda nga aliba kalabalaba w'embaga ye anti mbu namusanyusanga ku bubaga bwe twategekanga ku ssomero.Neebuuuza engeri gye ndigutandikamu wamma ne binsobera kyokka ne mmala gakkiriza nti nja kukikola anti saayagala kumuyiwa.Yantgeze nti nali siri wa kukolera weebale weebale.Yantgeze nti baateekateeka emitwalo makumi abiri eza kalabalaba era n'ampaako emitwalo kkumi.Essente ezo nalaba ku ndabira wa anti eggulolimu landiroodi wange yali yandaalise nti bw'adda okummanja ebbaati, alibambulako n'oluggi agenda

nalwo.Neeyanza munywanyi wange okufaako obufi era ne twawukana nga twesuubizza okuddamu okulabagana.

Bwe twayawukana ne ngenda nsasula emyezi ebiri miramba egy'obupangisa neewonye olubabu lw'omukazi landiroodi wange anti teyalina mumwa woowe.Nagulako ne kabulangiti anti nga nkooye empewo okunkommonta

Omukolo bwe gwatuuka amameeme ne gankuba anti nali sikolerangako nakwogerera mu bantu bangi abatali bayizi bannage.Natunulatunula mu bantu abaliwo nga mwana mlenzi yaleese ebikonge byonna mu bannabyabufuzi,bannaddiini,bannabyamizannyo,n'abakulu b'ebitongole. Abantu abaatuukanga nga be nnyanjula nga y'akkalira mu za Mugula.Bannange siikulimbe nti ebigambo bye nalombojjanga gye nabiggyanga namanya nayo.Naye abantu baasigala bannyaeneza mitwe nga embuzi etenda enkuba nga beebuuza gyenavudde anti abasinga gwe gwali omulundi gwabwe ogusooka okundaba.Omukolo eyo gye gwagenda gutambula,abantu baasotyasotyanga mpolampola ne bajja we nali ne banfuuwa ensimbi nga banneebaza olw'okubabeesabeesa n'okubasanyusa.

Eyamala eggobe mu kibya yajja n'ankuba akaama nti "Owange bw'otuwa ku ka namba ko ak'essimu si kulwa nga naffe tuba ne gyaffe n'oba kalabalaba kuba onyumisizza guno n'okamala"Ennamba y'essimu nagibasomera era abamu abaalinamu olwa Toma baatandika okugikuba balabe oba nga ntuufu.

Omukolo gwafundikirwa,buli omu n'akwata eryamuleese.Enkeera w'olunaku olwo olwaliko omukolo nafuna obubaka nkumu obunjozayoza n'okunneebaza olwa ebyo bye nnali nkoze ku mukolo ogwo.Ensimbi ezampeebwa nagulayo ebintu byo mu nnyumba nga kw'otadde n'omufaliso gwe nnasooka okusulako mu kazigo kange.okuva olwo nakizuula nti nalina ekitone ekkyo era na guno gujwa kwe ndya era buli kimu kyenfunye mu bulamu ne kye ntuuseeko lwa kitone ekkyo anti bangi kati bammanyi era ne bifo bingi bye ntuuseemu olwe ekitone ekkyo.

### **Ebibuuzo:**

a) Ekitundu ky'osomye kiwe omutwe. **(Obubonero 02)**

b) Nsonga ki eziviirako anyumya okuva mu maka ga bakadde be? **(Obubonero 04)**

c) Bizibu ki anyumya byeyasanga nga ali mu kazigo gye yeetongolera? **(Obubonero 04)**

d) Byakuyiga ki ebiri mu kitundu ky'osomye? **(Obubonero 06)**

e) Nnyonnyola amakulu g'ebigambo nga bwe bikozeseddwa mu kitundu. **(Obubonero 05)**

I. Akombera ddala ssebo enziro ku mabega

II. Nneesuulamu jjulume

III. Balafuubana

IV. Weebale weebale

V. Olwa Ttoma

Ku bibuuzo okuva ku f-I londako ekisingako obutuufu **(Obubonero 04)**

- f. Omukisa gwe ogusooka mu kibuga agufuna luvannyuma lwa;
- I. week
  - II. myezi
  - III. mwezi
  - IV. mwaka
- g. Ssente ze yafuna zaali ndaba ku ki kuba;
- I. Yali muyala nnyo
  - II. Yali waakugobwa mu nju
  - III. Yali atambuza bigere
  - IV. Yali waakugaggawala
- h. Amameeme gaamukuba kuba;
- I. Abantu baali balungi
  - II. Abantu baali bangi
  - III. Yali tayogererangako mu batali bayizi
  - IV. Yali tamanyi by'akola
- I. Obubaka obumuyozayoza bwajja mu bungi kuba;
- I. Yali akoze bulungi omulimu
  - II. Baali baagala abakolere
  - III. Emirimu gyali mirungi
  - IV. Ebyo bye yali akoze ku mukolo

## EKITUNDU B

### Kola nnamba 2(a) ne 2(a)

2. (a) Maliriza engero zino nga bwe zoogerebwa. **(Obubonero 10)**

- I. Ebibuuka bitalagaanye.....
- II. Mmere mbi.....
- III. Maddu ga ddenge.....
- IV. Kiwombe.....
- V. Zirindaba olwange.....
- VI. .....y'asekerera agyera
- VII. .....tegawala luga
- VIII. .....ne wattira
- IX. ..... takunoonya masasula
- X. ..... obalawo

(b) Nnyonnyola amakulu agali mu ngero zino wammanga. **(Obubonero 05)**

- I. Ekijja omanyi kinyaga bitono
- II. Ennindiriza yamezza ssemitego
- III. Abakulu balya bulungi,y'egwa n'olusuubo
- IV. Entasiima ebula agiwa
- V. Ow'obusa ngabi,n'ataafumite akootakoota

## **EKITUNDU C**

*Ddamu ebibuuozo bisatu (3) mu kitundu kino ng'obiggya mu butabo obw'enjawulo nga akamu ku bwo ka bitontome*

3(a) Soma ekitontome kino n'oluvannyuma oddemu ebibuuozo ku nkomerero yaaky.

**OBUWOOMI BW'EKITONTOME: Ssali damascus**

**EBISEERA BY'OBUTO**

Bwe nali omuto bingi byantuukako,  
Ebisanyusa n'ebyo ebinakuwaza,  
Omukadde n'ayomba n'akakanyala,  
Luusi n'ajula okukuba n'atutimpula.

Mu nkuba efudemba ennyo ne tubinuka,  
By'okuzannyisa mukoka binyuma kufa,  
Omuzira ogw'amaanyi ne tutiguka,  
Mu lusuku n'emmwanyi ne tutigoma.

Akasana akeememula tekatukosa,  
Nga tubeyuka ekyalo ne tukibuna,  
Mangada mapapaali tetuubireke,  
Emiyembe n'eppeera era ne ffene.

Akapiira twasamba ne katunyiwa,  
Nga tuyondesa byayi ndiba n'enyuma,  
Mu kusimbula ekkuuli nail wa kabi,  
Aba buswayida be bokka abannyiwa.

Oluzzi lwanyumanga ng'enjuba yeeyeze,  
Nga tuzannyisa amazzi n'otya n'okutya,  
Twayasa ensuwa ate oluusi n'ebita,  
Ebooko n'evuga ewaffe naawe n'ogitya.  
Twatamwa okukeeranga enkumbi n'eseka,  
N'ekideeya ky'emmwanyi ez'okuwulula,  
Ng'essowaani n'ebikopo tebiyozeke,  
Kwera mu nju n'okwoza byantama okufa.

Biseera by'okunaaba nga twebulankanya,  
Mmere n'okunywa ccaayi ne tulabika,  
Muntu bw'akula akyuka n'ava mu buto,  
Nange kaakano nnyiiga bw'okola ebibi.

Ebibuuzo;

- |      |   |                |
|------|---|----------------|
| I.   | Biki ebifudde ky'osomye ekitontome?             | (Obubonero 06) |
| II.  | Ekitontome kizimbiddwa kitya?                   | (Obubonero 06) |
| III. | Ntunnunsi ki eziri mu kitontome kino?           | (Obubonero 02) |
| IV.  | Amaloboozi gazimbiddwa gatya mu kitontome kino? | (Obubonero 06) |
- Oba**
- (b) Obunyuvu bw'ebitontome bya Ssali bwolekeddwa butya? **(Obubonero 20)**

***Ebitontome Ebiseeneekerevu:* NAMAGANDA ALICE JANET**

3 (a) Soma ekitontome kino n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ebikikwatako

**SSEMATALO 1939-1945**

Baatokomoka abantu baali mu bukadde

Zaatokomoka ensimbi zaali za muzindo

Byawomoggolwa ebibuga byali bya mulembe

Byawomoggolwa ebibuga baaleka matongo

abantu baabuna ebyalo lwa ssematalo

Abantu baabuna emiwabo nga ssematalo akwajja

Embpunzi zaabuna ebibuga nga ssematalo akwajja

Empisa era zaasiwuuka nga ssematalo akwajja

Amakolero gaafa nga ssematalo akwajja

Amalundiro gaafa nga ssematalo akwajja

N'amasamba gaggwaawo nga ssematalo akwajja

Bannamwandu baawerawo nga ssematalo akwajja

Abalema twabaweza nga ssematalo akwajja

Era twajjirwa endwadde nga ssematalo akwajja

Ng'omwo mwe muli kkolera nga ssematalo akwajja

N'omusujja gw'ebiyenda nga ssematalo akwajja

N'obulwadde bw'abazira nga ssematalo akwajja

Omukka gw'obutwa nfaafa nga ssematalo akwajja

Okuva mu gabundu ago nga ssematalo akwajja

Ebitole by'omuliro nga ssematalo akwajja

Nga bbomu zisaasaanya nga ssematalo akwajja

Baalina amagye nfaafa nga ssematalo akwajja

Byali bya kukaaba ggwe nga ssematalo akwajja

Ebyobufuzi byakyuka nga ssematalo awedde

Gavumenti zaakyusa nga ssematalo awedde

Ebibiina by'obufuzi nga ssematalo awedde  
Baabireka byetaaye nga ssematalo awedde  
Ebibiina by'abakozi nga ssematalo awedde  
Baabireka byetaaye nga ssematalo awedde  
Omuzungu yakkiriza nga ssematalo awedde

Nti naye takyamalako nga ssematalo awedde  
Ensimbi zimukeeyeko nga ssematalo awedde  
N'atuwa obwetwaze nga ssematalo awedde  
Mu Aziya ne Afririka nga ssematalo awedde  
Twefuge era twetaaye nga ssematalo awedde  
Masomero gaazimbwa nga ssematalo awedde

N'amalwaliro ssaako nga ssematalo awedde  
Ebibuga n'agabuga nga ssematalo awedde  
Ebibiina by'aleetwa nga ssematalo awedde  
Okutaba amawanga wano nga ssematalo awedde  
Tuwone entalo ezijja nga ssematalo awedde  
Tulina kimu ekizibu nga ssematalo awedde

Kintama bwe twesalamu nga ssematalo awedde  
Twagala tuyambagane nga ssematalo awedde  
Twagala tuzimbagane nga ssematalo awedde  
Ssaagala tukuubagane nga ssematalo awedde  
Tugiwoomerwe ensi eno nga ssematalo awedde

- i. Lwaki ekitontome kino kikunyumira? **(Obubonero 5)**
- ii. Lwaki omuwandiisi addijnjanye ebigmbo ebimu mu kitontome kino? **(Obubonero 5)**
- iii. Ssematalo yaleeta bizibu ki? Weesigame ku sitanza essatu ezisooka **(Obubonero 5)**
- iv. Abantu baafuna Birungi ki nga ssematalo awedde? **(Obubonero 5)**

### OBA

3 (b) Weesigame ku katabo ka Ebitontome ebiseeneekerevu olage ebintu omuwandiisi bye yeeyambisizza okuleeta obuseeneekerevu mu bitontome bye. **(Obubonero 20)**

**Amaggwa n'emitego mu buvubuka:RUTH N KABOGGOZA**

5.(a) “Sha naye siyinza nze kufirwa bulamu bwa ssomero mbu kuba mbuto. Mbuto zitya ezitalina mutwe na magulu?”

- I. Ebigambo ebyo bisimbuddwa mu ssuula ki? **(Obubonero 02)**

- II. Ani ayogera ebigambo ebyo era abigamba ani? **(Obubonero 02)**  
III. Lambulula ensonga ez'enjawulo ezooleka obukalubo bw'emitima mu batonde ba  
Kaboggoza abe njawulo. **(Obubonero 16)**

**Oba**

- (b) Omuwandiisi w'olugero amaggwa n'emitego mu buvubuka yeeyambisizza bukodyo ki  
okutuukiriza ebyo by'awandiika? **(Obubonero 20)**

**Mbayiwa w'abayizi:WALABYEKI MAGOBA**

- 6(a) Ebizibu ebituuka Mbayiw y'abyereetera.Kubaganya ebirowoozo  
**(Obubonero 20)**

**Oba**

- (b) magoba agenderedde kutumbuula byabuwangwa bya Buganda ng'ayita mu lugero lwe  
luno.Kkaanya n'endowooza eyo. **(Obubonero 20)**

**Nze mbimaze :PRISCA NAKITTO**

- 7(a) “Lwaki weegomba okuba omulenzi?”  
“Jjaja abalenzi bo waakiri tebasanga buzibu nga ffe abawala bwe tusanga”  
(I) Emboozi eyo eri wakati w'ani n'ani? **(Obubonero 02)**  
(II) Nga weesigama ku bigwawo mu muzannyo,wa ensonga ez'enjawulo eziraga nti  
endowooza y'omunyumya owookubiri nkyamu.  
**(Obubonero 18)**

**Oba**

- (b) Omuwamdiisi w'omuzannyo atwetamizza atya obulamu bw'omukyala ow'edda?  
**(Obubonero 20)**

**BIKOMYE WANO**